UGANDA SECURITIES EXCHANGE
Akatabo
AkalunnAmya
ABASUUBUZI KU NGERI
Y'OKUGULA N'OKUTUNDA
EMIGABO MU KATALE K'E-
KITONGOLE KYA YUGANDA
EKIKOLA KU BY'EMIGABO
Luganda

Ennyanjula

Newankubadde obutale bw'emigabo bubaddewo mu Afirika okumala kumpi emyaka amakumi ataano, kyeraga lwatu nti abantu bangi mu Uganda bamanyi katono nnyo ku bikwaata ku butale bw'emigabo,naddala engeri gye bukolamu n'engeri gye bayinza okubuganyulwaamu. N'olwensonga eyo, abantu batono nnyo mu Uganda abeetaba mu bikwaata ku butale buno era bangi ku bo tebannaba kumanya bulungi ngeri gye bayinza kubwetabamu babufunemu amagoba.

Okugula n'okutunda emigabo mu butale buno si kizibu ng'abantu bangi bwe balowooza. Akatabo kano kajja kuddamu ebibuuzo ebitera okubuuzibwa abantu abasinga obungi abasanga ensonga y'obutale bw'emigabo nga mpya nnyo gye bali.

Akatale k'emigabo kye ki?

Kiba kifo (ng'akatale k'emmere) abaguzi n'abatunzi mwebasisinkana ne baguzangana emigabo ku miwendo gye baba bakkaanyizzaako.

Akatale k'emigabo kakola budde ki?

Akatale kano kaggulwawo ku ssaawa bbiri n'ekitundu ez'oku makya okutuuka ku ssaawa kumi ne'emu ez'olweggulo okuva ku lwokusooka okutuka ku lw'okuttaano, era tekaggulwaawo ku nnaku zonna ez'okuwummula mu Uganda. Okugula n'okutunda

emigabo mu katale kubaawo ku lw'okubiri ne ku lw'okuna wakati w'essaawa ennya ne ttaano ez'okumakya.

Omugabo kye ki?

Ekipimo ky'obwannannyini mu kitongole, kampuni oba mu kibiina.

Ani agaba ebbaluwa z'emigabo?

Ebitongole, Gavumenti, abakulembeze b'ebitundu, n'abalala.

Lwaki ebbaluwa z'emigabo zigabwa?

Okusingira ddala olw'okusobola okufuna obugagga obw'ensibo olw'okukulaakulana oba okusasula amabanja.

Okuguza abntu bonna emigabo kye ki?

Wano ekitongole wekifuukira eky'olukale nga kiguza emigabo gyakyo abantu bonna; kwe kugamba, kitunda obumu ku bwannannyini eri abantu.

Omusuubuzi alina engeri yonna gy'ataasibwamu?

Yee, akatale k'emigabo kalina amateeka ag'enjawulo, katugambe ng'amateeka g'obwa mmemba mu kitongole ekitunda emigabo, amateeka g'okwewandiisa n'amateeka g'okutunda n'okusasula nga gano gonna gakolebwa olw'okutaasa omusuubuzi. Ate era waliwo n'olukiiko olulina obuvunaanyizibwa obw'okulabirira era ng'omulimu gwalwo omukulu kwekuziyiza obukumpanya oba ebikolwa ebikyamu mukutuunda emigabo gino.

Abantu abalala abakola omulimu ogw'okulabirira e'kitongole ekikola ku by'obutale bw'Obugagga obw'Ensibo Capital Markets Authority (CMA).

Ani asaana okussa ensimbi ze mu migabo?

Omusajja oba omukazi yenna awezezza emyaka 18

egy'obukulu oba okusingawo.

Alina emigabo y'ani?

Bw'ogula emigabo mu kitongole, ofuuka omu ku bannannyini oba abalina emigabo mu kitongole ekyo.

Amagoba (Dividends) kye ki?

Zino z'ensimbi ekitongole ekituunze emigabo kyezisasula okuva ku magoba (profits) ag'obuli mwaka eri bannannyini migabo mu kitongole ekyo.

Olukiiko lwa bonna olwa buli mwaka lwe luliwa?

Luno lwelukiiko olwa buli mwaka, oluteekeddwa okutuuzibwa ebitongole byonna oba kampani zonna abantu mwe balina emigabo. Wano aliipoota ekwata ku ngeri ekitongole gyekitambulamu weeyanjurilwa eri bannannyini migabo abalina obuyinza okukuba akalulu ku nsonga enkulu n'okusalawo ku nkola ezikwata ku kitongole.

Nnonda wo ntya emigabo egy'okussaamu ensimbi?

Tewaliwo nkola emu yokka egobererwa mu kulonda ekitongole eky'okugulamu emigabo. Engeri ennyangu ye yokwebuuza ku bbulooka w'emigabo oba omuwi w'amagezi ku by'ensimbi gwe weesiga era n'okusoma akatabo akalimu e bikwaata ku kitongole ekyo (entegeka y'emirimu gy'ekitongole oba prospectus). Era osobola okufuna obubaka obw'omugaso mu mpapula z'amawulire obukwaata ku bitongole eby'ewandiisa.

Bbulooka w'emigabo y'ani era alina buvunaanyizibwa ki?

Ye mukugu mu by'ensimbi alina ebbaluwa eva mu CMA emukkiriza okugula n'okutunda emigabo ku lw'abo abeetaaga. Era awa n'amagezi ag'ekikugu ku ngeri y'okulondamu n'okuddukanya emirimu gy'obusuubuzi.

Bbulooka w'emigabo alina ebisale byonna by'asasulwa olw'emirimu gye?

Yee, alina omutemwa gw'asala. Wabula omutemwa guno gusinziira ku miwendo egiba mu katale.

Emirimu gya bbulooka gifugibwa gitya?

B'ammemba b'ekitongole kya Uganda ekikola ku by'obutale bw'emigabo (USE), bafugibwa amateeka n'ebiragiro ebifuga enkolagana yaabwe n'Akatale, n'abo abakagula imigabo wamu n'eba mmemba abalala.

Akatabo akanyonyola ebikwata ku kkampuni (prospectus) kye ki?

Kye kiwandiiko ekiraga mu bujjuvu ebikwata ku by'ensimbi n'enzirukanya y'ekitongole; kwekugamba, ebyafaayo ku by'ensimbi z'ekitongole n'enteekateeka zaakyo ez'omu maaso.

Nnondoola ntya engeri ekitongole kyenninamu emigabo gye kitambulamu?

Ebitongole byonna ebirina emigabo egyawandiikibwa mu katale k'emigabo biragirwa okufulumya aliipoota eya buli mwaka eweebwa bonna abalina emigabo mu kitongole ekyo. Buli alina emigabo ayitibwa mu lukiiko olwawamu (Annual General Meeting) okuteesa ku bifa kukitongole ekyo.

Emikutu gy'amawulire nagyo gikola omulimu munene okumanyisa abantu. Ekisingira ddala obukulu mu byonna, ekitongole kya USE, ng'etteeka, kyetaaga ebikwata ku kitongole kyonna ekyewandiisa bigiweebwe buli kiseera.

Omuwi w'amagezi ku by'okussa ensimbi mu mirimu alina buvunaanyizibwa ki?

Abeera mukugu wa bbaluwa eva mu CMA akola okunoonyereza ku by'ensimbi nga bwebiyimiridde mu bitongole ebitunda emigabo mu katale.

Emigabo nnyinza kugigula wa nga gimaze okulangibwa?
Ng'oyita mu bbulooka eyaweebwa olukusa.

Nnyinza okutunda emigabo gyange?
Yee, ng'oyita mu bbulooka eyaweebwa olukusa.

Omugabo guyinza okukyusibwa?
Yee, kino okukikola, olina okutuukirira bbulooka.

Obukakafu obwa nannyini ku migabo bwe buli wa?
Olpapula oluwandiikiddwako erinnya lya nannyini migabo n'omuwendo gw'emigabo.

Abantu bamanyisibwa batya emiwendo gya buli lunaku egy'emigabo egitundibwa mu katale ka Uganda ak'emigabo?
Ekitongole kya USE kifulumya aliipoota ku butale mu lupapula lwa New Vision n'olwa Monitor era ne ku laadiyo ez'enjawulo mu ggwanga mu nnimi ezitali zimu. Kino kiyamba abantu okumanya enkyukakyuka zonna eziyinza okubaawo mu miwendo ne mu nyingiza ez'emigabo egiba giwandiikiddwa oba obubaka obulala obukulu obukwata ku kitongole.

Ntuukirira ani nga nfunye ebizibu ebikwatagana n'olupapula lw'emigabo oba amagoba?
Eyawandiisa ekitongole ekyo oba USE. mpozzi oyinza nokwekubira enduulu mu CMA.

Awandiisa y'ani?
Y'oyo akuuma ebiwandiko ebikwata ku migabo egiba girangiddwa.

Ekitongole ekikola ku by'obutale bw'obugagga obw'ensibo (CMA) Kirina buvunaanyizibwa ki?
Okussaawo n'okulabirira emirimu gy'ekitongole kya USE

n'obutale bwa Uganda obw'obugagga obw'ensibo okutwalira awamu. CMA kye kitongole ekituufu okutuukirira okuloopa ebikolwa ebitali bya bwesimbu oba ebimenya amateeka nga bikwata ku by'obutale bw'emigabo oba ku mirimu gy'obwabbulooka.

Migaso ki egiri mu kussa ensimbi mu migabo?

l Ennyingiza mu ngeri y'amagoba

Bw'ogula emigabo ofuuka omu ku bannannyini b'ekitongole ekyo era n'olwensonga eyo obeera olina okugabana ku magoba ekitongole lwe kirangirira okugaba amagoba ago.

l Okufunamu obugagga obw'ensibo

Kino kitegeeza omuwendo gw'ensimbi zo eziri mu migabo okweyongerako. Singa emiwendo gy'emigabo gy'olina girinnya, ensimbi zo ze wassaamu zeyongerako mungeri y'emu.

l Ebbaluwa z'emigabo zisobola okukozesebwa ng'emisingo?

Ebbaluwa zinno kintu kya muwendo, kubanga zikkirizibwa ng'omusingo mu bbanka nnyingi ne mu bitongole ebirala eby'ensimbi, oba ng'omusingo omusuubuzi kwayinza okwewolera ensimbi.

l Emigabo gikyusika mangu

Okufuna oba okutunda emigabo kintu kyangu, tekitwala nsimbi nnyingi ate kyanguwa era kisobola okukolebwa ekiseera kyonna omusuubuzi wayagalira.

l Amagezi agaweebwa ku by'obusuubuzi wegasangibwa

Ba bbulooka/abasuubuzi n'abawi b'amagezi ku by'okussa ensimbi mu mirimu basobola okuwabula n'okulungamya mu ngeri entuufu omusuubuzi w'ayinza okuba nga talina bukugu bumala obwetaagisa mu katale k'emigabo.

l Okwetaba mu biteeso by'ekitongole

Ng'omu ku bannannyinii migabo olina eddembe okwetaba mu kuyisa ebiteeso mu lukiiko lwa bonna olwa buli mwaka olukwata ku ngeri ekitongole gyekiddukanyizibwa.

Ofuuka otya nannyini mugabo?

Okusinga waliwo engeri bbiri:

1. Okugula emigabo emipya

Wano ekitongole kiranga emigabo gyaakyo omulundi ogusooka eri abantu bonna. Abasuubuzi ab'amaanyi n'abatonotono bonna basaba emigabo gino. Omulimu guno guyitibwa "Okulanga Okw'olwatu Okusooka". Okulanga kuno kutera kubaawo okumala essaabbiti 4 oba 6 olwo ne kuggalwawo.

Mu kulanga kuno okusooka akatabo akalimu ebikwata ku kitongole ekitunda emigabo gyakyo nako kafulumizibwa ne kagabibwa ng'emigabo gino gitundibwa. Akatabo kano kabamu ebyafaayo by'ekitongole, enzirukanya yaakyo, ebitabo by'emyaka 3 oba 5 emabega nga bimaze okubalibwa, obuzibu obuyinza okubaamu, ebisuubirwamu mu maaso, n'ebirala. Mu katale k'emigabo mulimu etteeka nti ekitongole nga tekinalanga migabo gyakyo, akatabo akakwata ku kitongole ekyo akamaze okukakasibwa CMA kagabibwa mu bantu olw'okusobozesa abasuubuzi okusalawo okugula oba obutagula nga bamanyi byonna ebifa kukitongole ekyo.

Empapula okusabirwa emigabo zigabibwa wamu n'Akatabo ako. Abasaba basasulira emigabo gyebaba basaba ku ndagiriro eba eragiddwa. Abo ababa bayiseemu baweebwa empapula z'emigabo.

2. Okugula emigabo emikadde

Abantu abamu bayinza obutasobola kugula migabo mu ssabbiiti 4 - 6 ez'okulanga okw'olwatu okusooka. Eky'omukisa omulungi waliwo enkola eyitibwa "Akatale Ak'okubiri". Akatale kano kabaawo olw'okusobozesa emigabo emikadde okugulibwa n'okutundibwa ekiseera kyonna. Okulanga okw'olwatu okusooka nga kuggaddwawo emigabo giba gikyasobola okugulirwa mu katale. Mu ngeri yemu, naabo

ababa baagala okutunda emigabo gyaabwe nabo bayinza okukikolera mu katale.

Omuntu asobola atya okugula oba okutunda emigabo mu katale?

Okugula n'okutunda emigabo mu katale kukolebwa nga kuyisibwa mu ba bbulooka/abasuubuzi b'emigabo abalina olukusa.

Ba bbulooka/abasuubuzi, ab'ekitongole kya Uganda ekikola ku by'obutale bwemigabo bokka abalina ebbaluwa ebawa olukusa be basobola okulamuzaganyiza mu mbuga ya katale.

Okugula n'okutunda emigabo mu katale

Okusaba okugula

Ng'omaze okusalawo emigabo gy'onoogula ng'olungamizibwa bbulooka wo, nosalawo omuwendo gw'owulira nti gw'oyagala okusasulira buli mugabo era n'omuwendo gw'emigabo oguja mu nsimbi z'olina. Bbulooka wo alina okukulungamya ku miwendo gy'emigabo nga bwegiyimiridde mu katale. Emiwendo gino girangibwa mu katale ne mu mpapula z'amawulire.

KIKULU NNYO okumanya nti emiwendo gy'emigabo gisinziira ku bwetaavu n'obungi bwagyo. N'olwekyo emiwendo gikyukakyuka okusinziira ku bungi n'obw'etaavu bwagyo.

Engeri ez'enjawulo okugula gye kusabibwamu

Abeetaaga okugula bayinza okuwaayo okusaba kwaabwe mu ngeri ez'enjawulo eri ba bbulooka baabwe. Bwe bati:

Okugula/Okutunda okwa buliwo

Okutuunda kunno kuba kwa ngeri nnyangu era kulina okuggwa mu buliwo ku miwendo egiba giriwo era egisingayo obulungi mu katale mu kiseera ekyo.

Okugula/Okutunda okw'ekkomo

Wano omuguzi/omutunzi alaga omuwendo gw'ensimbi gweyeetegese okugulirako/okutundirako emigabo gye. Singa emiwendo gigwa mu kigero ky'aba awadde, olwo bbulooka atunda/agula emigabo.

Okusalawo okugula:

Omuguzi ng'asaba okugula emigabo, ajjuza olupapula oluliko obubaka bwe, kulupapula olusaba era n'assa omukono ku lupapula olukyusa obwannannyini olwo n'asasulira emigabo gy'ayagala okugula. Olwo bbulooka amuwa akakonge.

Olunaku okusaba lwe kumalirizibwa mu katale, bbulooka aweereza omuntu we endagaano y'okugula eraga emigabo egiguliddwa, omuwendo gwa buli mugabo n'ebisale bye. Endagaano eno kiwandiiko kya kinnamateeka ekikakasa obwa

nannyini okutuusa ebbaluwa y'emigabo lwejja. N'olwekyo erina okukuumibwa obulungi ennyo.

Bbulooka ng'ayita mu katale, aweereza olupapula olukyusa obwa nannyini nga luteereddwako omukono eri awandiisa emigabo. Awandiisa bw'afuna olupapula lwo olukyusa obwa nannyini ng'ayita mu bbulooka wo afulumya ebbaluwa empya ng'eri mu mannya go era ng'agiyisa mu bbulooka y'omu. Ebbaluwa eno kiwandiiko kya kinnamateeka ekikakasa obwa nannyini era kirina okukuumibwa obulungi ennyo.

Okusalawo okutunda emigabo

Ng'oyita mu bbulooka oba mu katale k'emigabo oba mu muko gw'eby'obusuubuzi mu mpapula z'amawulire mu ggwanga, manya emigabo egitundibwa mu katale. Ttukirira bbulooka wo, oteekeyo okusaba kwo okw'okutunda emigabo gyo ku miwendo egikusanyusa. Jjukira nti emiwendo gy'emigabo gikyukakyuka, n'olwekyo kikwetaagisa okulungamya bbulooka wo ng'olaga mu buwandiike ebigero by'emiwendo mw'oyagala okutundira.

Okusaba kw'okutunda nga kumaze okukolebwako mu katale,

bbulooka wo akuweereza endagaano y'okutunda, eraga ensimbi z'ofissaawo okuva mu migabo gyo egiba gitundiddwa.

Bbulooka wo akutegeeza ddi lw'onoofuna cceeke yo naye nga kino kirina okubeerawo mu bbanga lya ssaawa 24 okuva ku lunaku oluba lulagiddwa okusasulirako.

Okutegeera aliipoota y'ekitongole kya USE ekwata ku butale.

Omusuubuzi bw'afuna aliipoota ekwata ku butale aba asobola okumanya emiwendo gy'emigabo gy'alina. Era abeera asobola okulondoola engeri miwendo gy'emigabo gyegitambulamu nga girinnya oba nga gikka. Ate era omusuubuzi amanyisibwa ebikolebwa ekitongole kya USE buli lunaku lwe kikola.

OLUKALALA LWA'BABBULOOKA ERA BAMMEMBA BA USE.

Baroda Capital Markets (U) Ltd.
Plot 18 Kampala Road
P O Box 7197 Kampala
Tel: 233680/3 Fax: 230781
Email: bob10@calva.com

Crane Financial Services Ltd.
Plot 20/38 Kampala Road
P. O. Box 22572 Kampala
Tel: 341414 or 345345,
Fax: 231578
Email: Cranebnk@imul.com

Equity Stock Brokers (U) Ltd.
Orient plaza Plot 6/6A, Kampala Road
P. O. Box 3072 Kampala
Tel: 236012/3/4 /5 Fax: 236066
Email: Orient02@starcom.co.ug

G.A.. Onegi - Obel & Co. Ltd.
Suite 8, Give & Take House,
Nkrumah Road,P.O.Box 1610
Kampala Tel: 256-41 347164, 347165
Fax: 231813 Mobile: 077-795826
Email: negiobel@Imul.com

MBEA Brokerage Services (U) Ltd.
4th Floor, Pan Africa House
3, Kimathi Avenue
P O Box 24613 Kampala
Tel: 041 231960/341448/031-260011
Fax: 342045
Email: info@mbea.net
Website: www.mbea.net

OKUMANYA EBISINGAWO TUKIRILA ABA;

Uganda Securities Exchange Ltd.

2nd Floor Workers House, Pilkington Rd.
P O Box 23552 Kampala - Uganda, Tel: 342818, 343297 Fax: 342841
E-mail: info@use.or.ug. Website: www.use.or.ug.

Sponsored by Bank of Baroda (U) Ltd

Bank of Baroda (U) L td.

Provides you golden opportunity to invest your money in Baroda Shares through Uganda Securities Exchange.

Our Banking Products:

- Saving Bank Deposit
- Current Deposit
- Fixed Deposit
- Golden Jubilee Deposit Scheme
- Personal Loan to Salary earners
- Clean Loan to Corporates

Our Branches

Kampala Main ¥ Railway Station ¥ Kampala ¥ Jinja Iganga ¥ Mbale ¥ Mbarara

Celebrating GOLDEN JUBILEE YEAR of uninterrupted Banking Services in Uganda